

# BANNYINAZE MU KURISTO!

Temuba abaddako okukwabulibwa

**Bannabbi ab'obulimba • Abatume ab'obulimba • N'abasumba abafere**

**Abeeyita "abasajja ba Katonda" beeyambisa amasinzizo n'enkuŋŋaana z'abakkiriza okufuna ensimbi n'okupeeka abakyala n'abawala abateekengedde babawe akaboozi k'ekikulu.**

Buli wogenda, obukodyo bwabwe kyenkana bufaanagana. Okugeza:

**1** Okufuna obwesige bwo, bajja kukola bino…

- Okukusuubiza enkolagana "ey'enjawulo."
- Okukusuubiza ekyamagero okugonjoola ekizibu kyo.
- Bakugamba nti nno bafunye okubikkulirwa oba "ekigambo eky'amagezi ag'enjawulo" ekikwata kwekyo kyeweetaaga oba ekikutawaanya.
- Bakusaba okkirize okubeereko nabo mu kusaba okw'enkiso.

**2** Olumala okubeewa, bajja kugeezaako okukukozesa eby'ekikaba—bakira bwe bakugamba nti tekirina mutaawaana kubanga mbu bo Katonda yabawa olukusa olw'enjawulo okuyita mu kwolesebwa sinakindi mu "kigambo ky'amagezi ag'enjawulo." **Mwattu kimanyirewo nti nno kino si mukwano—<u>buno bulimba</u>.** Katonda tasobola kuwa muweereza we omutuufu olukusa olw'enjawulo olw'omu kyama okukola ekintu ekimenya amateeka ge.

**3** Olumala okukukozesa n'okukusuula ebbali, bajja kukulagira obutabuulirako muntu yenna ekyo kyebaba bakukoze.

> Batera okuvvuunula/okutaputa bubi Zabbuli 105:15 — "Temukwatanga ku abo be nafukako amafuta, so temukolanga bubi bannabbi bange."
>
> Mwannyinze, *olunyiriri luno lusome mu butuufu bw'enkozesa yalwo! Lwogera ku bassekabaka n'abakulembeze ba Isiraeri ab'edda. Tekiteegeza nti tosobola kubuuza oba okugaana omuntu yenna asomesa eby'obulimba, oba oyo agezaako okukutwala mu kibi. Bayibuli etugamba ffena okuzuula era tugaane abasomesa eby'obulimba.* (Laba ekyokulabirako mu 2 Petero 2:1-3)

Singa **omuntu yenna** eyeeyita "omuweereza Katonda gwe yafukako amafuta ge" agezaako okukutwala mu kikolwa ky'obwenzi, ***mwetegule!***

# JJUKIRA BINO:

**Teri nnabbi oba mutume oba musumba owa ddala alina buyinza businga obwo obuli mu Byawandiikibwa Ebitukuvu!**

- Abakulembeze mu kkanisa ekigambo kya Katonda "kibakakaatako" okubeera abasumba abakuuma endiga zaabwe, so si emisege ezibeeyambisa n'okubalya okubamalawo. Omutume Paulo yafalaasira abakadde b'eKkanisa nti "mwekuumenga mwe mwekka n'ekisibo kyonna, Mwoyo mutuukuvu mwe yabateeka mmwe okuba abalabirizi, okulundanga ekkanisa ya Katonda gye yeegulira n'omusaayi gwe yennyini." (Ebikolwa By'Abatume 20:28)
- Omutume Paulo yalagira Timoseewo, omukulembeze mu kkanisa ow'enkizo, okubuuliranga "abakazi abakadde nga nnyoko; abato nga bannyoko mu bulongoofu bwonna." (1 Timoseewo 5:2)
- Paulo alabula abakkiriza bonna nti "tulemenga okubeera nate abaana abato, nga tuyuugana nga tutwalibwanga buli mpewo ey'okuyigiriza, mu bukuusa bw'abantu, mu nkwe, olw'okugoberera okuteesa okw'obulimba." (Abeefeeso 4:14)
- Okulabula kwa Katonda okuli mu Byawandiikibwa Ebitukuvu kugenderera kuwa ggwe bukuumi.

## TEGEERA ERA OSSE MU NKOLA EBYAWANDIIKIBWA BINO

- "…mugezengako ku bigambo byonna; munywerezenga ddala ekirungi; mwewalenga buli ngeri bubi." (1 Abasessaloniika 5:21-22) ***Luno olunyiriri lwogera ku kugezesa bubaka bwabo abeeyita aboogera ku lwa Katonda.***
- Abaagalwa, temukkirizanga buli mwoyo, naye mukemenga emyoyo oba nga gyava eri Katonda; kubanga bannabbi ab'obulimba bangi abafuluma mu nsi." (1 Yokaana 4:1) ***Bannabbi b'obulimba bangi era tuteekwa okugezesa ekyo kyonna "nnabbi" kyagamba nga tukigeraageranya n'ekyo Katonda kyagamba mu Bayibuli ku nsonga eyo yennyini.***
- "kubanga ekyo Katonda ky'ayagala, okutukuzibwa kwammwe, okwewalanga obwenzi ..." (1 Abasessalonika 4:3) ***Teri musajja wa Katonda omutuufu asaanye kukuluŋamya kukola kibi!*** (soma n'Abaebbulaniya 13:4, ne 1 Abakkolinso 6:18-20)
- "Mwekuume bannabbi ab'obulimba abajjira mu byambalo by'endiga gye muli, naye munda gy'emisege egisikula… Buli muntu aŋŋamba nti 'Mukama wange, mukama wange,' si ye aliyingira mu bwakabaka bw'omu ggulu, wabula akola Kitange ali mu ggulu byayagala. Bangi abaliŋŋamba ku lunaku luli nti, 'Mukama waffe, mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, twetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga byamagero bingi my linnya lyo?" Ne ndyoka mbaatulira nti sibamanyangako mmwe. Muve we ndi mwenna abakola eby'obujeemu." (Matayo 7:15, 21-23) ***Yesu atulabula nti si buli eyeetwala nti alina amaanyi okukola ebyamagero mu linnya lye abeera muweerezawe owa ddala!***

**BWOBA OKOSEDDWA…**
**FUNA OKUYAMBIBWA.**

Africa Centre for Apologetics Research
Post Office Box 72405—Clocktower
Kampala, UGANDA www.ACFAR.org
email info@ACFAR.org • tel. +256 706 000 664